19th November 2017.

KATONDA OMU YEKKA ATUMALA.

Okuva 20.

Nga tumaze okulaba Katonda ng'asisinkana Musa ku lusozi Sinaayi (Okuva 19) wamu n'abaana ba Isirayiri wansi waalwo, tugenda okulaba amateeka agaaweebwa Musa oluvannyuma lw'okusisinkana Katonda.

Vs. 1 Mukama ayogera era buli kyayagala akyogera lwakuba abawulira tuli bajeemu emirundi mingi.

Vs. 2 Mukama teyeeyawula ku bujulizi bwa Isirayiri obw'okubajja mu Misiri.

Mukama by'akola mu bulamu bwaffe bimwawula ku bintu ne ku bantu bonna abeeyita ba katonda.

Obujulizi bwe tebugattibwaako kubanga teri gw'avuganya naye mu kifo ky'okuba Katonda.

Vs 3. Etteeka (1); **Tobeeranga na bakatonda balala wabula nze nzekka**.

Mukama bw'amala okukakasa emirimu gye ayagala okuddamu kwaffe okusinziira ku kiki ky'ali.

Olw'ebyo by'akola ebitasobolwa muntu mulala yenna ky'ava atugaana okuba ne bakatonda abalala kubanga ku bbo tekuli Katonda.

Vs.4-5 (2**) Teweekoleranga kintu kyonna ekyole okukisinza**

Bino biba bifaananyi ebikole n'emikono gy'abantu. Nga ojjeeko abazaale n'abessaawo okuba bakatonda, Mukama atugaana okutonda bakatonda mu bulamu bwaffe.

Amawanga mangi mu nsi muno galina bakatonda bangi; muno mulimu abazaale wamu n'abaakolebwa emikono gy'omuntu. Abayindi balina bakatonda abasoba mu 200, Abaganda balina bakatonda 7 (musanvu) era nga bano balina emigaso egyenjawulo okusinziira kubwetaavu bw'abantu!

Naye nakizudde nti buli ensi gyeyeeyongera okukula abatonda bakatonda baba beetaaga okwongera ku bungi bwa bakatonda kubanga n'ebyetaago byeyongera.

Naye ffe abakkiriza Kristo Katonda omu atumala kubanga mu Yye mulimu byonna ate nga Ye Katonda yekka.

Vs 7.(3) **Tokozesanga linnya lya Mukama Katonda wo ng'olayira ebitaliimu nsa.**

Mukama atugaana okukozesa erinnye lye mu kulayira n'okuvvoola erinnya lye.

"***Mwawulira bwe kyagambibwa ab'edda nti, 'Buli kyeweeyamanga eri Mukama okituukirizanga.' Naye mbagamba nti: Temulayiranga n'akatono! Temulayiranga ggulu, kubanga y'entebe y'obwakabaka bwa Katonda. Temulayirilanga nsi, kubanga y'entebe y'ebigere bye, temulayiranga Yerusaalemi, kubanga ky'ekibuga kya Kabaka omukulu. Era tolayiranga mutwe gwo, kubanga toyinza na kufuula luviiri olumu okuba olweru oba oluddugavu. Naye muddangamu buzzi nti , 'weewaawo.' Oba nti, 'Si weewaawo.' Kubanga bw'ogezaako okukaksa* e*bigambo byo n'okulayira kiraga nti waliwo ekitali kituufu." (Matayo 5:33-37)***

Era Yakobo asomesa nti; "***Naye okusinga byonna, ab'oluganda, temulayiranga ggulu, oba ensi, oba ekintu kyonna ekirala. Ensonga bw'ebeeranga weewaawo, gamba weewaawo .Bw'ebeeranga si weewaawo gamba si weewaawo, mulyoke mwewale okusalirwa omusango okubasinga." (Yakobo 5:12)***

Vs 8-11. (4) **Olunaku lwa Ssabbiiti olujjukirenga era olutukuzenga**

Nga Mukama bwe yatonda ensi n'ebigirimu mu nnaku mukaaga n'awummula ku lw'omusanvu; atulagira naffe okuwummula kubanga amanyi nti tukoowa.

Oyo Mukama eyazimba obulamu bwaffe era amanyidde ddala ekisobola okutereeza obulamu era ng'ekimu kw'ebyo kwe kuwummula.

Mukama atulagira okufaabiina (kukola nnyo) naye ate atulagira okuwummula.

Mukama atumale; tuleme kufuuka baddu ba bye tukola olw'okwagala okufuna ennyo naye tube bamativu mu by'atuwadde.

Okuwummula si lunaku wabula kuwummula era nga mu Kristo twafuna okuwummula.

Amateeka ago ana (4) galuŋŋamya enkolagana y'omuntu ne Katonada era nga enkolagana eno bw'eba ntereevu omuntu asobola okuba mu nkolagana ennungi ne muntu munne.

Ate amateeka agasigadde omukaaga (6) galuŋŋamya enkolagana y'omuntu ne muntu munne.

Katonda bw'aba Katonda waffe; netumwagala n'emitima gyaffe gyonna ajja kutumala.

Vs. 12 (5) **Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa**.
Okussaamu abazadde baffe ekitiibwa tekibeera kizibu bwetuba nga tussaamu Katonda ekitiibwa.
Weewaawo abamu basobola okuba nga bazibu; walokoka nebakuzaalukuka naye saba Katonda omutima ogubassaamu ekitiibwa ennaku zo zibeere nnyingi mu nsi muno.

Vs. 13 (6) **Tottanga**.
Katonda y'alina obuyinza okuwa obulamu era n'okujjawo obulamu bw'omuntu yenna. Era atugaana okutta newaakubadde nga okutta kwaffe kuyinza okuba nga kukakasiddwa nti tuli batuufu okutta Mukama bwanaatumala tujja kusonyiwa, tujja kuguumiikiriza era tetujja kuwoolera ggwanga kubanga ye y'awoolera eggwanga ku lwaffe.

Vs. 14 (7) **Toyendanga**.
Mukama atugaana okwenda era nga okwenda kwa bika bingi

- **a)** Okw'ebikolwa eby'okwegata mu mukwano n'omuntu atali gwe twafumbirwa.
- **b)** Okuwasa oba okufumbirwa omuntu ayawukanye n'omukyala oba n'omwami we. **Matayo 19:9**
- **c)** Bwe tuleka betwaawasa ne tuwasa abalala**. Makko 10:11**
- **d)** Okwenda mu biroowoozo **Matayo 5:27-27**

Mukama bwanaatumala n'ekigambo kye ku buli nsoga kinaatumala; tunaatwala ekyo ne tuba balamu.

Vs.15 (8)**Tobbanga**.
Katonda bwanaatumala tetugenda kubba kubanga mu Yye mwe muli obugabirizi bwaffe. Okubba kikolwa ekibuusabuusa ebisuubizo bya Katonda okutugabirira era nga kireeta n'obulumi eri oyo abbiddwa.

Vs. 16 (9) **Towaayirizanga**.
Emirundi mingi tuwaayiriza okwetaasa, okulabika nga tuli balungi era nga betuwaayirizza beebabi. Naye bwe tunaagoberera okwagala kwa Katonda eri ffe tujja kuba beeteefuteefu n'okubonerezebwa ku lwabalala.

Vs. 17 (10) Teweegombanga.
Mukama atugaana okweyagaliza ebintu by'abalala ng'ebyaffe. Okwegomba kuvaamu omululu, obubbi wamu n'emize emirala mingi. Twegombe kino nti tunaafaanaanyirizibwa Kristo mu buli kyetukola.

Vs 18-23 Mukama ayongera okukkaatiriza nti ye Katonda. Amateeka gano yagawa Musa nga buli omu alaba era kyali kizibu okugeegaana kubanga buli omu yali mujulirwa.

Bangi ku ffe tetulina bibumbe bya bakatonda era nga ne mu masinzizo gaffe tetulina bakatonda mu bifaananyi naye tulina bakatonada mu mitima gyaffe nga okusaba tusaba naye nga tulina ey'okuddamu ebirala nga Katonda tatuzzeemu nga bwe twagala oba ng'aluddewo.

Vs.24-26 Katonda aluŋŋamya ku ngeri gy'alina okusinzibwaamu nga bawaayo ssaddaaka.

Katonda asinzibwa mu mwoyo ne mu mazima nga Yye bwayagala so ssi nga ffe bwe twaagala.

Abaruumi 7:7-25

Abaruumi 3:19-24

Tulina omukisa nti Yesu bwe yayogera nti “**kigwaanidde okutuukiriza obutuukirivu bwonna**” yabutuukiriza eri Katonda ku lwaffe nti mu Yye tutta embala y’ekibi ne tuba balamu eri obutuukirivu bwa Katonda mu Kristo Yesu.

Ebyo bye tutayagala kukola tetuyinza kubyeewala nga ffe; naye tuweebwa amaanyi okutambula nga tusanyusa Katonda bwe tukkiriza Yesu Kristo okubeera omulokozi waffe era ne tuwaayo obulamu bwaffe mu Yye bukyuusibwe.